# OMUSOMESA E MUKONO AKWATIDDWA KU BY'OKUSOBYA KU MWANA

OMUSOMESA agambibwa okusobya ku mwana ow'emyaka 11 , e Mukono, akwatiddwa. Drake Ssebaggala 24 omusomesa ku ssomero ly Praise El Nursery and P/S nga mutuuze w'e Kakoola mu muluka gw'e Kyabakadde mu Ggombolola y'e Kyampisi e Mukono, yakwatiddwa ku by'okusobya ku muyizi wa P5 mu ssomero eryo. Kigambibwa nti bino, byabaddewo nga November 13 e Kakoola, omwana ono bwe yabadde ne banne nga badda awaka. Omwogezi wa poliisi mu Kampala, Racheal Kawala, yagambye nti oluvannyuma lw'ekikolwa, omwana yamutiisizza okumutta, nti kyokka bazadde b'omwana ne bakizuula, ensonga, kwe kuzikwasa poliisi eyamukutte.